Diploma Programme
Programme du diplôme
Programa del Diploma

# Luganda A: literature – Standard level – Paper 1
# Luganda A : littérature – Niveau moyen – Épreuve 1
# Luganda A: literatura – Nivel medio – Prueba 1

Wednesday 10 May 2017 (afternoon)
Mercredi 10 mai 2017 (après-midi)
Miércoles 10 de mayo de 2017 (tarde)

1 hour 30 minutes / 1 heure 30 minutes / 1 hora 30 minutos

---

**Instructions to candidates**

- Do not open this examination paper until instructed to do so.
- Write a guided literary analysis on one passage only. In your answer you must address both of the guiding questions provided.
- The maximum mark for this examination paper is **[20 marks]**.

**Instructions destinées aux candidats**

- N'ouvrez pas cette épreuve avant d'y être autorisé(e).
- Rédigez une analyse littéraire dirigée d'un seul des passages. Les deux questions d'orientation fournies doivent être traitées dans votre réponse.
- Le nombre maximum de points pour cette épreuve d'examen est de **[20 points]**.

**Instrucciones para los alumnos**

- No abra esta prueba hasta que se lo autoricen.
- Escriba un análisis literario guiado sobre un solo pasaje. Debe abordar las dos preguntas de orientación en su respuesta.
- La puntuación máxima para esta prueba de examen es **[20 puntos]**.



2217 – 0587

© International Baccalaureate Organization 2017

International Baccalaureate
Baccalauréat International
Bachillerato Internacional

https://xtremepape.rs/

Wandiika nga bwolagiriddwa emboozi ennambulule esengejja n'okukenulula mu bukugu bw'ebiwandiiko ebiyiiye **kimu** kyokka ku biwandiiko ebikuweereddwa. Mu kwanukula kwo oteekwa okussa essira ku bibuuzo byombi ebikulagirira ekyetaagibwa:

**1.**

Awo olwatuuka, *ng'enjala egwa* nnyingi nnyo mu ggwanga, era nga n'okugiyita bagiyita "Ani amuwadde akatebe". Ssemaka omu eyalina mukyala we era n'abaana abalongo. Ssemaka ono, *yabukeerezanga nkokola* n'agenda okusakira abantu be emmere.

Lwali lumu, Ssaalongo n'agguka ku *lusuku olugudde akaleka* era nga *n'amatooke agali muli gabotoka*. Yagenda okulaba nga mu kibanja mulimu n'ennyumba enjere obulungi... Naye yakanda kuyitaayita bannyinimu, nga *tawulirayo kanyego*.

Ssaalongo kye yakola kwe kuddayo ewuwe n'akima Nnaalongo n'abalongo, nga bw'abagamba nti azudde amaka agalimu *emmere efa obufi otulo*, era nti *eyalugguddewo y'aluggulanga*, nti era *n'enjala baali bagisiibudde*. *Tebaali babi, ng'ebyayi babinnyika mu nsuwa* kugenda kusenga mu maka gano amapya. Olwali okutuuka, nga Nnaalongo akola emmere ng'agifumba, nga balya era *ng'ettooke libakwata omubabiro*. Obudde bwe bwaziba, nga bayingira mu nju *kugalangatanya kiwanga mu ngalo*. *Otulo twali tetunnabatwala*, baagenda okuwulira *nga teriri busa*, anti nga *zireese*, Wazzike eyali nnyinimu *eyakula n'akuula n'ejjembe*. W*azzike olwakuba ennyindo mu nju bwati nagamba nti*, "Nga mpulira olusu olutali lwange bulijjo mu nnyumba yange! Gamba mulimu omuntu?" Ko Ssaalongo nti, "Mukama wange, nze ndi mu nnyumba yo n'abantu bange. Twazze otuwe ku mmere, naye *enjala eri ewaffe efuuwa malenge*."

Ko Wazzike nti, "Kale nsanyuse okubalaba era mwebake bulungi." Bwe baawulira bino, *emitima egyali gibeewanise ne gikka, era ne bassa ekikkowe* be whuu. Wazzike yakomawo *ng'akongozze Omulangira* era nga *n'olulimi alinnyamu lulinnye*. Musajja wattu *yagwa awo mu ddiiro bugulube, ng'ennyindo zitandika kwebaza yazimba*.

Obudde bwe bwakya enkya, Wazzike ng'atuuza Ssaalongo n'abantu be mu ddiro, ng'agamba Ssaalongo nti, "Oli mukwano gwange nnyo, era tujja kubeera bulungi nnyo ku kyalo kuno ne mu maka gano. Kati nkutuumye erinnya lyo ggwe Byereeta. *Nkwataako ne mu ttaano*." Ssaalongo *ng'asika Wazzike mu mukono*, nga *n'okumegerera amegerera*.

Wazzike bwe yamala okwogera ebyo, ng'agamba Nnaalongo nti, "Kati nnina gye ndaga, naye bwe nkomawo, nsanga onfumbidde Wasswa oyo, gwe nzija okuliira ku kyeggulo." Ko Nnaalongo nti, "Kale ssebo." Olwamala ebyo *nga Wazzike zitwala ku gage*.

Nnaalongo yalaba Wazzike agenze, ng'alinnyisa Wasswa n'emmere ku muti waggulu ogwali awo mu luggya. Ng'asalaasala ebiriba ebyali mu nnyumba ya Wazzike, ng'afumba. […]

Obudde bwe bwawungeera, nga *Wazzike zikomyawo*, nga Nnaalongo amujjulira mmere na biribaliba, ng'alya nga n'okwenuguuna yeenuguuna. Ko Wazzike nti, "Owange Nnaalongo, Wasswa ng'awoomye nnyo! Enkya onfumbira Nakato oyo." Ko Nnaalongo nti, "Mpulidde ssebo."

Bwe bwakya enkya nga Wazzike nga *agenda kwetambulira*. Nnaalongo yalaba agenze nga Nakato amulinnyisa n'emmere ku muti kwe yali alinnyisizza Wasswa, ng'asalaasala biriba kufumbira Wazzike kijjulo.

Wazzike bwe yadda ekiro, Nnaalongo ng'amujjulira kijjulo kye, ng'alya nga yeenuguuna. Ko Wazzike nti, "Nnaalongo, Nakato naye ampoomedde nnyo. Kati enkya ggwe ojja okwefumba, nkulye." Ko Nnaalongo nti, "*Weeteere ssebo*."

J C Ssekamwa, *Ebisoko n'Engero Ez'amakulu Amakusike* (1995)

(a) Kubaganya ebirowoozo kungeri omuwandiisi gye yeyambamu abantu ne nsoro ebiri mu lugero okumanyisa ebirowoozo bye.

(b) Nyonnyola engeri omuwandiisi gy'akozesaamu ebigambo, ebisoko okusobola okunyumisiza abasomi b'ekitontome ekyo.

https://xtremepape.rs/

**2.**

**Omuzira**

Ng'alaajana aboyaana
Atuuyana atawaana
Yakolola yalaama
Yazirika yagenda!

Wakati mu kutya okungi
Wattu mu buvumu ate,
Yagololwa yawundwa
Wamma ggwe twamuziika.

Ng'emmundu y'esisa eti
Anti nga yeesesa nno
Ekinnya twakiwuula
Wamma ggwe twakiwunda.

Ng'enkuba yeeyiwa eti
Manti nga yeekoka nno
Minvuuli twaziyiiya
Mu migogo emiwunde.

Busungu bwa tutemba
Misuwa gya tuzimba
Maziga gaatuyiika
N'amaaso g'atumyuka.

Mu kududuma okususse
Omugabe twamuwunda,
Ssaala kabonero ako
Ttaka ku bwongo bwa nsi.

Mathias Bwanika Mulumba, *Ebitontome by'Oluganda n'Ensomesa Yaabyo* (2013)

(a) Kubaganya ebirowoozo ku bukodyo omuwandiisi bw'akozesa okwolesa omwogezi wo mu kitontome era n'okugyayo engeri omwogezi oyo gyawuliramu n'engeri eddobozi lye gye livugamu.

(b) Wa endowooza yo ku ngeri omuwandiisi gy'akozesaamu ebigambo okwolesa ebiseera/ebbanga, ekifo, n'empisa z'abantu ekitontome kino gye kyawandiikibwa.

https://xtremepape.rs/